| Essomo 11 (1) | الدرس الحادي عشر (١) |
| --- | --- |

# أولا: الإيمان بالله

1. Nga n'empagi zabakkiriza zino esooka kwekukkiriza Allah. Nga nakwo kwekukkiriza obwomubwe mubulezibwe nemukusinzibwakwe nemumanyage nebitendobye. Ali Ibaada-okumusinza ewatalai kusinza mulala yenna olwokuba yeyatonda abaddu ea yalongoosa gyebali era nga yabagabirira era amanyi ebyaama byabwe nebyo byeboolesa era nti yalina obusobozi obusasula oyo abeera alongosezza mubo namuwa ebirungi ate era nayo ayonoonye namubonereza mubutuufu bwekyo oyo yateekwa okwawulwa Allah kwebyo byonna byetulina okumusinzizaako mu bika bya Ibaada ezenjawulo mu mbeera y'okukkakkana n'okwagala nga tusuubira okuva gyali ewamu n'obujjuvu bwokumwagala n'okwewombeka olw'obugulumivubwe.

Era nebiseera ebisinga Qur'an yakkira ku kikolo ekyo ekinene, nga bwagamba Allah mu Surat Zumara aya 3.

"Agamba Allah nti musinze Allah nga mumwawulira eddiini era abaffe mumanye nti ya Allah eddiini eyeyawulidde kuye

Era agamba Allah mu Surat Isirail aya 23;

Agamba Allah nti era yasalawo nagera Katonda okubeera nga temusinza okujjako ye yekka, era nagamba Allah mu Surat Gaafir aya 14 nti;

Agamba Allah nti musabe Katonda nga mumwawilira eddiini kakibeere nga abakafiiri bakitamwa. Ne Ibaada zilina ebika bingi nnyo nga nemuzo mwemuli eyokusaba, n'okutya, n'okusuubira, n'okwesigamira, n'okwagala n'okweyuna gyali Allah. N'okugonda n'okutya n'okudda gyali, n'okuwanjaga n'okwewongoma, n'okwesiga, n'okusala naziri n'endala ezitali ezo mubika bya Ibaada ezo ezitateekwa kuwugulwa nezikolelwa omulala atali Allah kuba okuwugula emu kuzo n'ogikolera atali Allah oyo abeera Shiriki n'obukafiiri, n'obujulizi ku Ibaada y'okusaba kyekigambi kya Allah mu Surat Gaafiru aya 60;

Agamba Allah omulezi wammwe nti munsabe njakubanukula mazima aba abaekuluntaliza ku Ibaada yange ngenda kubayingiza omuliro Jahannama nga nanyomoofu.

era n'agamba omubaka mu Hadith eyawandiikibwa Tirimizi nti;

"Agamba mu Hadith eyayogerwa Nu-uman Bun Bashiri nga agijja ku Nabbi SAW nti mazima yye yayagamba nti okusaba ye Ibaada ddala" era n'obujulizi kukutya agamba Allah mu Surat Imuran aya 175 nti;

Agamba Allah nti temubatya (abo abanashiriki) mutye nze Katonda wammwe bwemuba ddala muli bakkiriza abanamaddala. Era n'obujulizi kukusuubira okuva gyali Allah agamba mu Surat Kahaf aya 110 nti;

Agamba Allah nti oyo yenna abeera asuubira (era ayagala) okusisinkana omuleziwe, akole emirimo nga mirungi tekamutanda nagatta mu Ibaada yamuleziwe omuntu omulala yenna. N'obujulizi kukwesigamira agamba Allah mu Surat Maida Aya 23 nti;

Agamba n'eri Allah gyemuba mwesigamira bwemuba ddala nga muli bakkiriza. Era nagamba mu Surat Twalaqu aya 30;

Agamba Allah nti n'oyo eyesigamira eri Allah mazima yye Allah amumalira (ensongaze) n'obujulizi mukusuubira n'okutya. Agamba Allah mu Surat Aniniya aya 90 nti;

Agamba Allah nti mazima bba baalinga banguyiriza nga baddukira eri ebikolwa ebirungi era ngatusaba nga basuubira era nga batya era ddala baalinga ffe batugondera. N'obujulizi kukutya agamba Allah mu Surat Baqara aya 150;

Agamba era temubatya mutye nze nzekka. Era n'obujulizi kukweyunira gyali Allah agamba Allah mu Surat Zumara Aya 54:

Agamba Allah nti mweyunire eri Allah era mumujemulukukire, n'obujulizi kukusaba obuyambi, agamba Allah mu Surat Alfatuha aya 5:

Agamba Allah nti mazima gwe wekka gwe tusinza era gwe wekka gwe tusaba obuyambi. Era Omubaka Saw mu Hadith eyawandiikibwa Tirimizi:

Agamba omubaka SAW nti era bwabanga asaba obuyambi busabe Allah. N'obujulizi kukwewogoma agamba Allah mu Surat Nasi aya 1 nt:

Agamba nti ngamba gwe nabbi Muhammad inti newogoma eri omulezi wabantu, era n'obujulizi kukuwanjaga, agamba Allah mu Surat Anifa aya 9 nti:
Agamba nti mukiseera wemwanjagira omulezi wamwe era nabaanukula, n'obujulizi kukusaala, agamba Allah mu Surat Aniam aya 123:
Agamba Allah nti bagambe nti; mazima esswala yange n'okusaala kwange kw'okusala ebisolo, obulamu bwange n'okufa kwange byonna mbikola kulwa Allah era bya Allah omulezi webitonde talina amwegattako, nabwentyo bwenalagirwa era nze asooka okujeemulukuka (okusiramuka kubyo). So ate nemu Sunna agamba omubaka SAW mu Hadith eyawandiikwa Imaam Musilim agamba nti:
Agamba SAW ntiyakolimira Allah oyo asala nga asalirira kintu kirala tsala kulwa Allah, eno n'obujulizi ku naziri, agamba Allah muSurat Inisaanu aya 7 nti:
Agamba Allah nti batukkiriza (naziri) okweyama kwabwe era nga batya olunaku lwebagenda okbeera obuzibu nga bubunye wonna.
Ewamu nekyo nebintu ebya bulijjjo singa omuntu abikola nga agendaleddemu kutyaAllah oba kugodera Allah gamba nga okwebaka, okulya, n'okunywa, n'okunoonya ebyenfuna, n'okuwasa n'ebirala mu binti ebikolebwa nga byabulijjo, singa ebintu bino obikola nenniya ennungi bifuuka Ibaada (kusinza) omusiraamu kwafunamu empeera.
Era kiri mu kukkiriza Allah omuntu okukkiriza byonna Allah byeyalaalika kubaddube nabifuula byatteeka gyebali mu mpagi z'obusiraamu ettaano ezeyolese nga nazo kwekukakasa nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah. Era n'okakasa nti Nabbi Muhammad mubaka wa Allah;

- Okuyimirizaawo esswala ettaano buli lunaku.
- Okutoola zakah mu maaliyo.
- Okusiiba omweizi gwa Ramadhan.
- Okugenda okulambula ennyumba ya Allah eri oyo alina obusobozi obumutuusaayo. Era nebirala mubyetteeka shairiya yaffe ennungi byeyatuleetera.

Era kiri mukukkiriza Allah, okukkiriza nti yemutonzi wensi era agitambuza mu byonna ebijikwatako era eyetaayiza muntambuza yaayo kulwokumanyakwe n'obusobozibwe nga bwana ayagadde, era n'okukkiriza nti ye kabaka wensi nenkomerero era omulezi webitonde byonna, tewali mutonzi mulala atali yye, era n'okukkiriza nti Allah oyo yatuma ababaka nassa n'ebitabo kulwakulongooka kwabaddube, nakubakowoola eri ekyo ekinaabaletera okuwona n'okulongooseza obulamu buno n'obwenkomerero, era n'okkiriza nti mazima ye Allah mukukola ebyo talina amwegattako nga bwagamba Allah mu Surat Zumara aya 62 nti:
Era kiri mubukkiriza mu Allah, okukkiriza amanyage amalungi nebitendobye ebyawaggulu ebyo ebyasomesebwa mu Qur'an eyekitiibwa nemu sunna z'omubaka awamazima ewatali kubikyusa wadde okubijjawo wadde okugerageranya engeri gyebikolamu wadde okubifananya ebyebitonde, era n'okukkiriza ago amakulu agabivaamu amanene kubanga mazima go gava mubitende bya Allah. Ebyo byateekwa okwetendako mungeri emweyaliddeko eyo etatekwa kubaako kitonde mubitonde bye kulina kugyegattamu nga bwagamba Allah mu Surat Shura aya 11 nti:
"Agamba Allah nti talina kintu kyonna kimufaanana era yye awulira buli kintu era alabal buli kintu".